



ENKOLA EY'OKUTANGIRA OKUKABASANYA ABAKAZI MU BY'OMUKWANO

EACOP malirivu nnyo okuteerawo abakozi baayo bonna embeera ey'obutebenkevu etaliimu kutulugunyizibwa kwonna n'okutuntuzibwa omuli n'okukabasanya abakazi mu bikolwa by'omukwano. Enkola ya EACOP eno ey'okutangira okukabasanya abakazi mu by'omukwano yeetaaga buli muntu wa EACOP okuba n'obuvunanyizibwa ku nsonga eno, okusobola okutondawo embeera etebenkedde, etaliimu kukabasanya bakyala.

Enkola eno ey'okutangira okukabasanya abakazi eri mu layini y'emu n'enkola ya EACOP ku ddembe ly'obuntu eya 2022, etakkiriza nkola yonna yakutulugunya, ate nga egoberera amateeka g'amawanga EACOP mwekolera.

- Emirimu n'enkola za EACOP birungamizibwa enkola ennungi n'omutindo ebigobererwa, omuli n'amateeka agalungama engeri y'okutangira okutulugunya abakazi mu by'omukwano, n'ebizibu ebivaamu ku lukalu lw'Africa, agaatekebwawo akakiiko ka Africa akavunanyizibwa ku ddembe ly'obuntu. EACOP teyekkhiranya ku ngeri yonna ey'okukabasanya abakazi mu by'omukwano. Okukabasanya y'engeri etali ntuufu gye weyisaamu mu by'omukwano eri omuntu omulala, ekiyinda okuvaamu okumukolako omusango, okumuswaza oba okumutiisatiisa. Okukabasanya kusobola okukolebwa ku mubiri kwenyini, mu bigambo, oba mu bikolwa. Kusobola okubaawo okuyita mu bifaananyi ebitambuzibwa ku masimu oba kompyuta. Mulimu n'ebintu ebirala ng'okusaba omuntu okwegatta naye mu by'omukwano ng'akakwakkulizo k'okumuwa omulimu, okukwatirira omuntu mu ngeri ey'obuseegu omuli okuweeweeta, okunyiga ebintu by'omubiri, okusiisiiriza, okunywegera, okukwata mu bifo ebyensonyi, okukozesa ebigambo by'obuseegu eri omuntu, embooji n'okusaagasaaga ku bikwata ku kwegatta, n'okulemera ku muntu okukukyalira naye nga tayagala, okulaga omuntu ebifaananyi eby'obuseegu, okumukolera obubonero obukwata ku by'okwegatta, okusiya, n'okutunuza amaaso ag'ekikaba.
- Enkola eno ekwata ku buli mukozi wa EACOP, omuli abakolera EACOP obutereevu, bakontulakita, oba ba agenti baabwe abali mu bifo eby'enjawulo omukolerwa emirimu gya EACOP. Okukabasanya tekukkirizibwa, nga tetufuddeeyo kifo ki mwe kukoledwa, kasita kiba nga mukolerwamu emirimu gya EACOP, oba ebifo ebirala awakolerwa ebintu ebyekuusa ku mirimu gya EACOP okugeza engendo za bizinensi, ensirika, emisomo gy'okutendekebwa, n'ebirala.
- EACOP ekimanyi bulungi nti okukabasanya kusobola okubaawo mu mbeera ng'abantu tebeenkanankana mu maddaala. Okwemulugunya kwonna wansi w'enkola eno, kusobola okuyita mu bakozi ba EACOP abali mu Uganda ne Tanzania, omuli ne ttiimu y'abakulembeze aba waggulu, akakiiko akaatekebwawo oba okuyita mu nkola ya EACOP ey'okugonjoola ebizibu oba okuyita ku mukutu gwa NAVEX.
- EACOP ejja kuwanga abakozi baayo emisomo n'okubatendeka ku bintu by'okukabasanya, mu ngeri ey'omujjirano. Era ejja kutegeka okutendekebwa eri akakiiko akavunanyizibwa ku nsonga zino, kwossa ttiimu y'abakulembeze aba waggulu.
- EACOP ejja kufuba okulaba nga wabaawo okunonyereza okumala ku misango egiba gireetedwa ate nga ekuuma ebikwata ku bantu abakwatibwako nga bya kyama, n'okutwala okwemulugunya, abajulizi, n'abantu abatuula ku kakiiko akanonyereza.
- Bwe kizulibwa nga waliwo okukabasanya, oluvanyuma lw'okunonyereza okutaliimu kyekubiira, EACOP esobola okusalawo ekibonerezo ky'enaawa gwe guba gusinze, nga muyinza okubaamu okumugoba ku mulimu.
- Omuntu anaawabaanga olw'okumukabasanya, taja kwesasulizibwako. Omukozi talina kuwaaba nga awayiriza oba nga afumbiridde embooji y'okumukabasanya. Mu mbeera eno, omukozesa asobola okusalawo nga enkola bwelagira.

Enkola eno ejja kwetegerezebanga oluvanyuma lw'ebbanga, akakiiko akavunanyizibwa ku ddembe ly'obuntu. Tukubiriza ab'emikago be tukolagana nabo mu bizinensi ne bakontulakita okweyisa mu ngeri etuukana n'enkola eno.

Martin TIFFEN
Managing Director, EACOP

Ennaku z'omwezi: 04/09/2024
E-ISO-POL-0003